**10th February 2019.**

## EKIWEEBWAAYO EKYOKEBWA.

**Eby'Abaleevi 1.**

Mukama yawa Musa ebiragiro ku biweebwaayo eby'ebika bitaano, nga kino kye kyaali kisooka, era ekisaale mu bbyo.
Ku bitaano bino, ebisatu byaali bya kyeeyagalire ate ebibiri ne biba bya buwaze, nga byaalina okuweebwaayo yagala toyagala.

Nga bwe twaalaba mu nnyanjula, Isirayiri baalinga bamanyi ku kuwaayo ssaddaaka eri Mukama, era okuwanga Mukama ebiweebwaayo ebyookye kiragwa okuviira ddala mu biro bya Kayini ne Abbeeri, awamu ne Nuuwa, ne Ibuayimu, ne batabani era ne bazzukulu be, nga bwe tumanyi mu byawandiikibwa bye tuzze tulaba mu bitabo ebisooka ebya Musa.
Naye tulina okkyeetegereza nti mu kulambulula enkola entuufu y'okuleetanga ebiweebwaayo bino eri Isirayiri, Mukama Katonda waabwe, yayagala babe nga bamanya obukulu n'amakulu g'obbikolanga obutuufu era obutereevu mu ngeri emuweesa ekitiibwa era ebaleetera okwaawukana ku mawanga amalala nago agawangayo ebiweeebwaayo eri bakatonda baabwe abalala, olundi agaalimu n'obulombolombo obubi ennyo, ng'okusaddaakanga abaana eri Moleki.

Ekiweebwaayo ekyookebwa kyaalina amakulu g'okweewaayo eri Mukama wenna, mu mmusiima n'okwagala gyaali. Era kyaalina ekifaaananyi ky'okweeweerayo ddala era kyeeyagalire kwa Mukama waffe Yesu Kristo ku musaalaba mu ttufiirira.

Tusome nga bwe tweetegereza…..

Lnny 1…. Mukama Katonda ku luno yali atabagana ne Isirayiri ng'ayogereganya ne Musa okuva mu Weema ya Mukama ey'okkuŋŋaanirangamu, okusinziira Awatukuvu w'awatukuvu ku Ntebe y'ekisa.

Lnny 2,3 …. Buli omu yalina kuleeta nga bw'anaabaanga yeeteesezza kyeyagalire, okuleeta ekisinga omuwendo ku bibye nga kitukuvu. Ate yalina okkyeetuusizaayo eri Mukama ku Weema Ye ey' okkuŋŋaanirangamu.

Lnny. 4…. Mwaalimu okweewaayo mu kkireeta eri Mukama…..

- Bangi ku ffe tweelaamiriza okweewaayo eri Mukama, naye tweewaayo gyaali nga tumusiima? Oba tukikola mu mugendo, awatali bugenderevu?
- Bwe weewaayo eri Mukama, weewaayo wenna?
- Mu kwewaayo eri Mukama, tuba tutuukiriza kwagala kwa Mukama, oba tuba mu kutuukiriza kwagala kwaffe? Motive oba kigendererwa kki?

Ekiweebwaayo kino kisaale, ng'ekiggulirawo ebirala okusaanyizibwa eri Mukama.

Kitugwaanidde okweetunuuliranga mu maaso ga Mukama.